PREP
VACC



# Wegatte mu kunoonyereza kumu. Gezesa amakubo abiri mu kuziyiza akawuka ka Siliimu. Mu budde bwe bumu.

Okunoonyereza kukulembeddwa abakugu mu Afirika, kuyambibwa ebitongole okuva e Bulaya, kulimu okugezesa eddagala ly’okugema akawuka ka Siliimu ate n’okugerageranya enkola ya PrEP.



## Okunoonyereza kwa PrEPVacc kye ki??

Okunoonyereza kwa PrEPVacc kulimu ebintu bibiri:

Kugezesa ebika bibiri by'eddagala ly'okugema akawuka ka siliimu eriggatiddwa okulaba oba lisobola okuziyiza akawuka ka siliimu. Ebika by'eddagala byombi byamala dda okugezesebwa ne kizuulibwa nti teririna buzibu eri abantu.

Mu budde bwe bumu, kugezesa enkola ya PrEP empya nga egerageranyizibwa n'eyo eriwo.

## Okunoonyereza kuli ludda wa?

Kutegekeddwa okukolebwa ku bitebe bitaano, munsi nnya: Masaka, Uganda; Mbeya, Tanzania; Dar-es-Salaam, Tanzania; Maputo, Mozambique ne Durban, South Africa.

## Eddagala ly'okugema akawuka ka siliimu kye ki?

Eddagala erigema liyigiriza omubiri okuziyiza oba okulwanyisa endwaddde eba egemeddwa okukuuma omuntu nga mulamu. Wetwogerera, ensi yonna tenafuna ddagala lyatongozeddwa okugema akawuka ka siliimu. Okusobola okukola eddagala ly'okugema akawuka ka Siliimu, abakugu mu kunoonyereza balina okuligezesa mu bantu okuzuula oba lisobola okuziyiza oba okulwanyisa akawuka ka Siliimu. Liwebwa nga tuyita mu kukubwa empiso.

## Enkola ya PrEP ey'okumira empeke kye ki?

PrEP y'enkola omuntu atalina kawuka ka Siliimu okukozesa eddagala eriweweeza akawuka kano kimuyambe okukendeeza obuzibu bw'okukwatibwa. Enkole ya PrEP ey'okumira empeke eraze nti esobola okutangira akawuka ka Siliimu ate eri munsi yonna.

## Onooba otaddeko tofaali ki bwe wetabamu?

Waliwo enkola nnyingi ez'okuziyiza akawuka ka Siliimu, naye buli mwaka obulwadde buno bukyakwata abantu bangi. Okwetaba kwo mu kunoonyereza kujja kutuyamba okuddamu ebibuuzo bibiri ebiyinza okuyamba okutaangira abantu okukwatibwa akawuka ka siliimu mu kitundu kyo.

- Tujja kusobola okulaba oba kikola amakulu okugenda mu maaso okukola eddagala ly'okugema kawuka ka siliimu eryesigamiziddwa ku kugatta ebika bibiri.
- Tujja kusobola okulaba oba enkola ya PrEP empya eyagalibwa, terina buzibu ate ekola ng' eyo eriwo kati mu bakyala n'abaami.

Abaami n'ebakyala ab'emyaka 18-40 ate nga bayinza okuba mu buzibu bw'okukwatibwa akawuka ka siliimu be bayitiddwa okwetaba mu kunoonyereza.

## Osobola okwetabamu singa:

- Oli mulamu bulungi
- Olina emyaka 18-40 ku lunaku ly'okusunsuulibwamu
- Oli mwetegefu ate nga osobola okwesalirawo okwetabamu nga byonna obitegedde bulungi
- Oli mwetegefu okujjanga ku kitebe ky'okunoonyereza ku buli lukyala, okukeberebwa akawuaka ka siliimu, okuwaayo omusaayi, omusulo n'ebikeberebwa ebirala mu budde lwe byetaagisibwa.

## Obulamu n'eddembe ly'abeetabyemu binaakuumibwa bitya?

Tujja kuwanga abantu bonna ebikwata ku kunoonyereza mu bujjuvu nga tebaneetabamu, basobole okuwa obweyamo n'okukkiriza kwabwe nga byonna babitegeredde ddala bulungi.

Omuntu alina eddembe okuva mu kunoonyereza obudde bwonna.

Nga okunoonyereza kugenda mu maaso, abasawo ku kitebe kyaffe bajja kulondoola abeetabyemu okukakasa nti eddagala erigezesebwa ate ne PrEP tebirina buzibu bwe bituusa ku bantu.

Abasawo bajja kuyamba omuntu eyetabyemu awa lipoota ku butayisibwa bulungi okuva eri abantu abalala olw'ouba yetabye mu kunoonyereza.

Okukakasa nti abetabyemu tebafuna buzibu kirondolwa ttiimu y'abakugu ku nsonga eno. Abakugu bano beetengeredde era buli budde bugere, batuunuulira ku bikwata ku bulamu bw'abeetabyemu. Kino kibasobozesa okusalawo oba tekirina buzibu okugenda mu maaso nga bafuna eddagala ly'okugema ne PrEP.

Buli kitebe kiriko akakiiko akakwasiza akakwasisa amateeka n'empisa mu kunoonyereza era balondoola engeri okunoonyereza kuno gye kukolebwamu. Muno batwaliramu n'ebyo abakola okunoonyereza bye bategeeza abantu ku kunoonyereza, okunoonyereza we kutuuse n'ebizibu ab'etabyemu bye bayinza okuba nga bafunye. Akakiiko kano kalondoola okulaba nti eddembe ly'abetabyemu terityobolwa.

Buli kitebe kirina akakiiko akawabuzi. Akakiiko kano kaliko abantu abava mu kitundu okunoonyereza mwe kukolerwa. Bawabula abakola okunoonyereza era babatuusaako ensonga eziva mu bantu nga zetaaga okukolebwako.



## Watya nga sagadde kwetabamu?

Okwetabamu kwo kwa kyeyagalire, era kiri eri gwe okwesalirawo okwetabamu oba nedda. Bw'osalawo okwetabamu, osobola okuvaamu obudde bwonna nga towadde nsonga. Bw'osalawo obuteetabamu oba okuvaamu, tojja kuyisibwa mu ngeri etagwanidde ku kitebe kyaffe oba okumibwa ebyo by'olinako eddembe okufuna.





## Buzibu ki obuyinza okubaamu?

Nga bwe kiri ku ddagala erijjanjaba n'erigema eririwo erisinga lye tukozesa, tukimanyi nti liyinza okuvaako obuzibu. Mu bino muyinza okubaamu olusujja, okulumwa omutwe, okusinduukirirwa emmeeme, n'obukoowukoowu.

Mu bantu abamu, PrEP ebaleetera okusinduukirirwa emeeme, okujjula olubuto, embiro n'okulumwa omutwe. Obuzibu buno butera okugenda bwokka.

## Nnaaba nina obukuumi obutakwatibwa kawuka ka siliimu bwe neetaba mu kunoonyereza?

Tetunamanya oba eddagala erinoonyerezebwako linaziyiza okukwatibwa akawuka ka siliimu. Abantu abamira PrEP mu butuufu nga bwe kirina okuba tebatera kukwatibwa kawuka ka siliimu.

Abo bonna abaneetabamu bajja kulungamizibwa ku ngeri y'okwetangiramu obutakwatibwa kawuka ka Siliimu. Era bajja kukubirizibwa okukozesa enkola eziriwo mu kwetangira ebbanga ly'okunoonyereza lyonna.

## Kinaatwala bbanga ki okumanya oba eddagala erinoonyerezebwako likola?

Tusuubira okunoonyereza okuba nga kumalirizibwa mu mwezi ogw'okusatu 2023, awo tuyinza okumanya oba eddagala ly'okugema erigezesebwa ate ne PrEP biziyiza okukwatibwa akawuka ka Siliimu, naye kino tukyayinza okukimanya nga obudde obwo tebunatuuka. Obudde bwonna we tufunira amawulire gano, tujja kugategeeza abetabye mu kunoonyereza n'abantu abala be tukolagana nabo.

## Okwetaba mu kunoonyereza kirina engeri gye kikosaamu obulamu bwange?

Abakyala tubasaba okukozesa enkola y'okwetangira okufuna olubuto (okuva ku kusuunsuulwamu okutuusa wiiki 18 nga omaze okufuna akayiso akasembayo), kino kiri bwekityo kuba tetumanyi engeri eddagala gye liyinza okuyisaamu omwana atanazaalibwa. Abaami tubasaba obutafunyisa bakyala be batabagana nabo lubuto okutuusa wiiki 18 oluvanyuma lw'okuwebwa akayiso akasembayo lwa nsonga y'emu.

## Eddagala erigezesebwa liyinza okukusiiga akawuka ka Siliimu?

Nedda. TEKISOBOKA NAAKAMU okufuna akawuka ka Siliimu nga kava ku ddagala erigezesebwa mu kunoonyereza kuno. Eddagala lino teririmu kawuka ka Sillimu kalamu, kattiddwa, obutundutundu bwako oba obutofaali obukalina. Likoleddwa bukolebwa mu bintu ebitalimu bulabe bwonna ate mu nkola ya kikugu ddala.

## Naaba nina kukola ki singa netaaga okwetabamu?

Okwetaba mu PrEPVacc kijja kumala emyezi 17 okuva lw'ofuna akayiso akasooka. Ojja kujja ku kitebe ky'okunoonyereza emirundi egitakka wansi wa 15. Enkyala ku kitebe kyaffe mujja kubaamu emitendera mingi, okulungamizibwa, okututegeeza ebintu nga bw'obilaba, okumanya embeera y'obulamu bwo, okuddamu ebibuuzo ebikwata ku by'okutabagana mu bikolwa eby'ekyaama ate n'okuwayo omusaayi n'omusulo. Buli lukyala lujja kumala essaawa 1–3.

Ojja kuwebwa ensengeka y'ebyo ebinaakolebwa buli lukyala obimanye. Ssente z'entambula zijja kukuddizibwawo.

## Eddagala ly'okugema

Ekika ky'eddagala ekimu kigatta ndaga butonde ne puloteyini ate ekirala kigatta ndaga butonde, MVA ne puloteyini. Abamu ku baneetaba mu kunoonyereza bajja kufuna ekintu omutali ddagala ligema; gano gajja kuba mazzi agateekebwa ku muntu mu ddwaliro.

## PrEP

PrEPVacc kujja kugezesa oba enkola ya PrEP empya –Descovy emiribwa buli lunaku ekola okwenkanaankana oba okusinga Truvada nayo emiribwa buli lunaku. Abeetabyemu bajja kuwebwa PrEP ebbanga lya myezi 6 okusobola okutangira okukwatibwa akawuka ka Siliimu.

## Bani abaddukanya PrEPVacc?

PrEPVacc kuddukanyizibwa abanoonyereza Banna Afirika abava Entebbe mu Uganda ku MRC/UVRI ne LSHTM Uganda Research Unit. Bawagiddwa ebitongole 14 bye bakolagana nabyo, 6 okuva mu Afirika, 6 okuva e Bulaya ate 2 okuva mu America. Abawaddeyo obuyambi okukola okunoonyereza kuno be ba Imperial College London.



*PrEPVacc investigators in Masaka.*

## Ki ekiddako kati?

Oluvanyuma ly'okusoma olupapula luno, bw'oba n'ebibuuzo oba nga wandyagadde okwetaba mu PrEPVacc, mwatu tuukirira ekitebe kyokunoonyereza:

| | | |
|---|---|---|
| **Masaka, Uganda** | **Vincent Basajja** (Community Liaison Officer) | **0772-588924** Vincent.Basajja@mrcuganda.org |

Okunoonyereza kuno kitundu ku nteekateeka ya EDPCT2 ewagiddwa ekibiina ekigatta amawanga ga Bulaya. PV1 © 2019 PrEPVacc Investigators.

**Photography**
PrEPVacc Investigators / Frank and Helena Herhold